OKWEKENEENYA ENSONGA EZIVIIRAKO ABASOMESA WAMU N'ABAYIZI B'OLULIMI OLUGANDA OKUVVOOLWA MU MASOMERO AGA SSINIYA.

BYA

NAKASOLYA MOLLINE

1153-07234-02297

ALIPOOTA Y'OKUNOONYEREZA OLW'OKUTUUKIRIZA EBISAANYIZO BYA DDIGULI EY'EBY'ENJIGIRIZA MU KAMPALA INTERNATIONAL UNIVERSITY.

OMULUŋŋAMYA

DR. MATOVU CHARLES

SEPTEMBER 2018

OKUKAKASA

Nze **Nakasolya Molline**, nkakasa ekitabo kino eky'alipoota ey'okunoonyereza ku mutwe ogugamba nti **"okwekeneenya ensonga eziviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi oluganda okuvvoolwa mu masomero aga ssiniya",** kiweereddwa ku Kampala International University (KIU) olw'okutuukiriza ebisaanyizo bya ddiguli ey'eby'enjigiriza.

Omukono gw'omuyizi..... Ennaku z'omwezi... 9th/oct./2018.

Nakasolya Molline (Omunnoonyereza).

OKUKAKASA KW'OMULUŋŋAMYA.

Nga omuluŋŋamya wa Nakasolya Molline nkakasizza nti omulimu gw'akoze ogw'okunoonyereza okutuuka okufulumya ekitabo mu buwandiike.

Kino asobodde okukikola n'obumalirivu nga mmulambika mu bintu ebimu ekimusobozesezza okutuuka okufulumya ekitabo ky'okunoonyereza kino.

OMULUNŋŋAMYA 9-10-18

.....

DR. MATOVU CHARLES.

OKUWONGA

Mpaayo okuwonga kwange eri bazadde bange, Maama ne Taata wamu ne mukulu wange Nayiga Josephine n'omwami we Candia Emmanuel kko n'emikwana gyange gyonna abanyambye okumpeerera okuntuusa wanowentuuse olwaleero. Omulimu guno nguwayo olw'essanyu lyenina kuba singa simmwe sandibadde kyendikaakano era n'omulimu gw'ange guno saandigutuukirizza

OKWEBAZA

Njagala okutuusa okw'ebaza kw'ange eri abantu mwenna abanyambye mu kunoonyereza kwange kubanga mannyi nti singa temwali mmwe, sandisobodde wabula obuyambi bwammwe n'amaanyi g'ammwe bye binsobozesezza okufulumya alipoota eno.

Nsooka okwebaza mukulu wange omukyala Nayiga Josephine n'omwami we Omwami Candia Emmanuel olw'okumpeerera era n'okumpa ensimbi z'e nkozesezza mu kunoonyereza kwange.

Nyongera okwebaza bazadde bange olwo obuyambi bwe bampadde mu kunoonyereza kuno. Mukama abampeere omukisa era abankuumire.

Nzizaako okwebaza mukulu wange wamu ne bato bange, ba maama bange bonna, abasomesa abenjawulo naabo bonna, abanyambyeeko mu kusoma kwange. Bannange temujja nga okwo.

Kuno nyongereko mikwano gy'ange gyonna eginyambye mu kusoma kwange wamu ne mu kukola okunoonyereza kuno naddala Nakaweesa Oliver, Nbiryo Esther, nabalala be sisobodde kumenya.

Bannange mbeebaza olw'amagezi n'obudde bw'emumpadde obunyambye okumaliriza omulimu gwange guno. Munno mukabi yemunno ddala.

Nzizaako okw'ebaza omulungamya wange Dr. Matovu Charles olw'omitima omuzadde gw'andaze mu kunuŋŋamya n'atandekerera ate n'okunfisiza obudde bwe. Ssebo weebale nnyo.

EBIRIMU

ENDAGIRIRO **OMUKO**

OKUKAKASA II

OKUKAKASA KW'OMULUƉƉAMYA..... II

OKUWONGA..... III

OKWEBAZA..... III

EBIRIMU..... IV

ENKANGAGA..... VII

OKUNONYEREZA MU BUFUUNZE..... VIII

ESSUULA ESOOKA..... 1

OBUVO..... 1

1.0 ENNYANJULA..... 1

1.1 OKWANJULA EKIZIBU..... 3

1.2 OMUGASO GW'OKUNOONYEREZA..... 4

1.2.1 EBIGENDERERWA BY'OKUNOONYEREZA..... 4

1.2.2 OBUKULU BW'OKUNOONYEREZA..... 4

1.3 OBUGAZI BW'OKUNOONYEREZA..... 5

ESSUULA EY'OKUBIRI..... 6

OKW'EKENNEENYA EBIWANDIIKO..... 6

2.0 ENNYANJULA..... 6

2.1 EMIGASO EGIRI MU KUSSA EKITIIBWA MU BASOMESA..... 6

2.2 ENSONGA EZIVIIRAKO ABASOMESA OKUVVOOLWA..... 10

2.3 EMPENDA EZIYINZA OKUSALIBWA OKUMALAWO OKUVVOOLWA..... 12

2.4 EBIBUUZO EBY'OKWEBUUZA.....13

ESSUULA EY'OKUSATU.....15

OLUWENDA LW'OKUNOONYEREZA.....15

3.0 ENNYANJULA.....15

3.1 ENTEGEKA Y'OKUNOONYEREZA.....15

3.2 EKIFO N'EBIBINJA BY'ABANTU.....16

3.3 EBY'EYAMBISIBWA.....16

3.4 OBUTUUKIRIVU N'OBW'ESIGIKE BW'EBY'EBINEEYAMBISIBWA MU KUNOONYEREZA.....17

3.5 OKWEKENNEENYA EBY'AZUULIBWA.....17

ESSUULA EY'OKUNA.....18

OKWEKENNEENYA N'OKUTAPUTA EBY' AKUƉƉANYIZIBWA 18

4.0 ENNYANJULA.....18

4.1 EBYAAVA MUNZIRAMU Y'ABASOMESA.....18

4.1.1 OBUMANYIRIVU BW'ABASOMESA.....18

4.1.2 OBUYIGIRIZE BW'ABASOMESA.....19

4.1.3 EDDAALA OMUSOMESA LY'ASOMESA.....20

4.1.4 WALI OVVOOLEDDWAAKO? 20

4.2 EBIBUUZO EBY'ADDIBWAMU ABAYIZI.....25

ESSUULA EYOOKUTAANO.....30

OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO.....30

5.0 ENNYANJULA.....30

5.1 OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO.....30

5.2 OKUWEERERA.....34

5.3 EBY'ASEMBEBWA.....36

5.4 EBYETAAGA OKUNOONYEREZAAKO.....37

5.5 OKUFUNDIKIRA.....37

EBIJULIDDWA.....39

AKAWAYIRO 1.....41

AKAWAYIRO 2.....43

ENKANGAGA

ENDAGIRIRO **OMUKO**

OLUKANGAGA 4.1 18

OLUKANGAGA 4.2 19

OLUKANGAGA 4.3 20

OLUKANGAGA 4.4 21

OLUKANGAGA 4.5 22

OLUKANGAGA 4.6 23

OLUKANGAGA 4.7 24

OLUKANGAGA 4.8 25

OLUKANGAGA 4.9 26

OLUKANGAGA 4.10 26

OLUKANGAGA 4.11 27

OLUKANGAGA 4.12 28

OKUNONYEREZA MU BUFUNZE.

Okunoonyereza kuno kwesigamizibwa ku mutwe ogugamba nti okwekkenneenya ensonga eziviirako abayizi wamu an'abasomesa b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mumasomero aga siniya.

Omunoonyereza yeeyambisa enkola eya akannyonnyozi okusobola okuzuula ensonga eziviirako abayizi wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero aga ssiniya. Omunoonyereza yakozesa abasomesa kkumi na bataano (15) nga bava mu Mukono Ddisitulikiti mu kibuga ky'eMukono wamu n'abayizi amakumi abiri (20) aba siniya eyookuna, eyookutaano wamu neeyoomukaaga.

Kyaazuulibwa nti mu masomero mangi agasomesa olulimi Oluganda abasomesa baalwo wamu n'abayizi abalusoma bavvoolwa basomesa bannaabwe wamu n'abantu abalala olw'obusonga songa obutonotono bwebawa.

Kyazuulibwa nti waliwo empenda eziyinza okusalibwa okusobola okumalawo obuzibu obwo obuviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero gasiniya. Era nga empenda zino zaasalibwaawo abasomesa n'abayizi abaabuzibwa ebibuuzo by'okunoonyereza.

Mukunoonyereza kuno, omunoonyereza yeyambisa enziramu zaamirundi ebiri, nga esooka yey'abasomesa neey'abayizi. Eby'azuulibwa by'ayungululwa mu nkola eya nnakannyonnyozi wamu n'emiwendo emyangungu.

ESSUULA ESOOKA

OBUVO

1.0 ENNYANJULA.

Langeck (1973), agamba nti," olulimi lw'eyambisibwa mu bantu ab'enjawulo era omuntu ow'ekibinja ekimu eky'olulimi, bw'aba tannayiga lulimi lwa kibinja ekyo tasobola kuwuliziganya nabalala."

Poole, (1999), agamba nti; "olulimi gwe mukutu gw'empuliziganya abantu b'omukitundu ekimu gwe beeyambisa, era olulimi lukola ekitundu ky'eby'Obuwangwa by'ekitundu ekimu era omuntu ayiga olulimi okuva mukitundu gy'amala emyaka gye egisooka."

William, (1997), agamba nti," olulimi lusobola okukola nga eky'obuwangwa era essira nerisimbwa kukusomesa ennimi ennansi, nga kya atandika mu kyasa ky'ekkumi noomunaana ng'abantu ab'enjawulo munsi bamaze okutondawo ebitundu by'abwe."

Bishop, (1986), agamba nti, "okusomesa ennimi enzaaliranwa kintu kikulu nnyo munsi yonna, kubanga kiyamba omwana okutegeera ebintu ebimweetolodde naddala okumanya amannya gaabyo, embeera kko n'emigaso gyaabyo. Era kiyamba omwana okuyiga olulimi olw'okubiri kyokka nga asinziira kululwe oluzaaliranwa." Kino kiri kityo kubanga olulimi lusomesebwa era luyigirizibwa abantu ab'omukitundu. Barbara (1987).

Aiken, (1992), yatandika enkola ey'okwekenneenya n'okulongoosa mungeri abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda gy'ebayisibwamu nga ayita mu kakiiko ke yasaawo, akaagenderera okukyusa mu ngeri abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda gy'ebayisibwamu mu bibiina mwe basomeseza, mu masomero gy'ebasomesa, ate ne wabweru w'amasomero, olwo bassibwengamu ekitiibwa ekibasaanira nga bali wabweru w'ekibiina. Kino kyajjawo olw'embeera y'abasomesa n'abayizi ba siniya gye bayisibwamu okubeera embi ennyo, era ekiteeso ky'ayisibwa era akakiiko nekakkirizibwa omukulu mmeeya eyali atwala eby'ensoma mu ssettendekero eyo.

Mu 1995, enkola eno yali ennyiikiridde era nga abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda nga bayisibwa bulungi nga abasomesa era nga n'abayizi basoma olulimi luno kubanga kubanga kyabasobozesa okukola ebintu ebiyinza okubagasa nga bafulumye, nga n'okussa mu banmtu abalala ekitiibwa mw'okutwalidde olwo kibasobozese okubeera ab'omulembe. (Provists classroom facilities review Committee annual Report, June 2005).

Olulimi Oluganda lw'atandika okusomesebwa mu Uganda emyaka mingi emabega era mu 1905, kigambibwa nti lwayingizibwa mu jjuniya esooka n'eyokubiri era abasomesa abaasooka okulusomesa, baava Bulaaya (mu Bungereza). Kino kyaali bw'ekityo kubanga abazungu beebaasooka okuwoma omutwe mukulusomesa. Noolw'ekyo oluvanyuma lw'omuzungu okujja nga aleese okusoma n'okuwandiika okw'omumasomero, olwo abaali balusomesa ne batandika okulaba nga bayisa mukka mukisero wamu n'abalusoma, kubanga Abaganda baasangibwa bamanyi okw'ogera, okusomesa awamu n'okuwandiika obulungi Oluganda nga n'okuwebwa ekitiibwa bawebwa.

Mugerwa, (1995), agamba nti,"mu 1947, ekibiina eky'eddiini ezaali mu Buganda, ekitongole ky'eby'enjigiriza, n'olukiiko olukulu olw'emmengo, bye tondamu ekibiina ekya gunjibwaawo gavumenti enkuumi (Uganda Protectorate). Ekibiina kino omwali ne bannamawulire, kyaali ky'akutereza era n'okugunjawo amateeka agaali ag'okufuga empandiika y'olulimi entongole."

Kyagaba, (1990), akakasa nti," olwo nga buli asomesa alina amateeka g'alina okugoberera era nga n'okusoma olulimi awamu n'okulusomesa bya kwesigama ku mpandiika n'ansomesa eno."

Stern (1996), ky'ava anyweza bwati, "munsi mulimu amateeka n'embeera ebikkiriza, agawandula, oba agasikiriza empisa y'abasomesa w'amu n'abayizi b'olulimi Oluganda mu mbeera/ mu bulamu obw'abulijjo. Eno y'ensonga lwaki abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda ba lwanirwako obutavvoolwa basobole okusomesa n'okusoma Oluganda nga baweebwa ekitiibwa ekibagwanidde.

Kinajukirwa nti Oluganda lwelumu kunnimi enzaaliranwa ezisomesebwa mu Uganda, era olulimi luno lusomesebwa era ne lusomesa eby'obuwangwa, okuwangana ekitiibwa, okuwa

n'okussa ekitiibwa mu abo ababa bakusingako, obutanyoomoola abo ababa batusingako ate naffe betusingako. **Nsimbi (1996).**

Chomsky (1930), agamba nti, "omuntu yenna waddembe okweyagalira mu ssomo lye lyonna ly'asomesa oba ly'asoma. kale nno bw'alisoma oba bw'alisomesa mu masomero, kiba kimuyamba ye nga omusomesa ate n'abayizi abalusoma okubeera abagagga mu lulimi wamu n'okufuna obukugu bwaalwo." Olw'endowooza eyo, abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda baba basobola bulungi nnyo okw'eyagalira mu lulimi olwo nga balusomesa n'abalala era nga bassibwaamu n'ekitiibwa.

Okuvvoolwa y'engeri abantu abamu gy'ebayisibwaamu obubi abantu abalala. Kale mukyo nebabeera nga tebassibwamu kitiibwa nga abalala bwe bayisibwa. Abantu bangi abavvoolwa mu nsi yonna okugeza Banneekolera gy'ange (Bamalaya)bavvoolwa mbu omulimu gwe bakola teguliimu nsa, abavuzi bodaboda ("Motorcyclists") nga nabo bavvoolwa olw'omulimu gw'abwe ogwo gwe bakola, n'abalala bangi. Kwe ggamba abantu ababa tebamanyi mulimu muntu gw'akola basobola obutamuwa kitiibwa kimugwaanira okujjako nga bamaze okumanya obukulu bw'omulimu ogwo olwo nebalyooka babassaamu ekitiibwa.
Wabula bwe tudda eno ewaffemu Uganda, abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda bangi tebassibwaamu kitiibwa n'ewankubadde nga basomesa mu masomero amanene era amalungi agebbeeyi wabula ate bbo abassibwaamu ekitiibwa batono ddala.

N'olw'ekyo, omunoonyereza yanoonyereza ku nsonga eziviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa, obukulu obuli mukussa mu bantu ekitiibwa wamu n'amagezi agayinza okusalibwa okusobola okuvvuunuka ekizibu ekyo ng'ayita mu kutuukirira abo abakwatibwaako obutereevu

1.1 OKWANJULA EKIZIBU.

Okusibwamu ekitiibwa kye kyandibadde ekintu ekisanyusa ennyo abayizi wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda mu masomero ga siniya kubanga baba bongera okuyiga ebigambo eby'enjawulo wamu n'okukuguka nga bakola omulimu guno mu lulimi lwe bategeera obulungi.

Naye oluusi bamalibwamu amaanyi ne batagenda mu maaso nakusoma awamu n'abasomesa abandi yagadde okutandika okusoma n'okusomesa olulimi Oluganda.

N'olw'ekyo, okunoonyereza kuno kwagenderera okutunuulira awamu n'okuzuula ebiviirako abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa okusobola okutuuka ku bigendererwa by'o butawebwa kitiibwa ku madaala ga siniya awamu n'engeri obuzibu obwo gye buyinza okuvvuunukibwaamu.

1.2 OMUGASO GW'OKUNOONYEREZA.

Okunoonyereza kuno kw'agenderera okwekenneenya obuzibu abasomesa wamu n'abayizi abakola olulimi Oluganda mu masomero gasiniya bwe basanga olw'okuvvoolwa mu masomero gye basomesa wamu ne gye basomera era n'engeri obuzibu obwo gye busobola okuvvuunukibwaamu.

1.2.1. EBIGENDERERWA BY'OKUNOONYEREZA.

Okunoonyereza kuno kw'esigamizibwa ku bigendererwa bino wammanga;

1. Okuzuula emigaso egiri mukussa ekitiibwa mu basomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda.
2. Okuzuula ebiviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa.
3. Okuzuula amagezi agayinza okusalibwa okumalawo ensonga eziviirako abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero ga siniya.

1.2.2. OBUKULU BW'OKUNOONYEREZA.

Okunoonyereza kuno kujja kuyamba mungeri zino wammanga;

1. Kujja kuyamba abasomesa okumanya ebibaviirako okuvvoolwa olw'okusomesa olulimi Oluganda.
2. Kujja kuyamba abayizi okuzuula ebibaviirako okuvvoolwa olw'okusoma olulimi Oluganda basobole okubyewala.
3. Kijja kuyamba ekitongole ekikwasisa empisa n'embeera z'abantu okulungamya ku mpisa ennungi abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda gye balina okuyisibwamu.
4. Kujja kuyamba abanoonyereza abalijja okusobola okw'esigama kubizuuliddwa kukuvvoolwa kw'abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda mu masomero gassiniya.

5. Kujja kw'ongera okuwa olulimi Oluganda ettutumu mu ggwanga ekifuula abasomesa awamu n'abalusoma okuba ab'ettutumu.

1.3. OBUGAZI BW'OKUNOONYEREZA

Okunoonyereza kuno kwakolebwa mu Mukono Ddisitulikiti, mu kibuga ky'eMukono mumasomero amalondemu agasomesa olulimi Oluganda ku ddaala ly'owabulijjo n'erya nsenvuddeko. Essira ly'ateekebwa ku bayizi ba siniya eyookuna n'eyoomukaaga wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda mu bibiina ebyo.

Bano balondebwa kubanga be bamu kubasomesa wamu n'okusoma olulimi nga ate era bebasinga okukwatibwako ennyo ensonga eno ey'okuvvoolwa kuba abayizi be basinga ate okuyita obulungi ebibuuzo ku madaala ago ebya akamalirizo ate ne kumadaala gonna.

Ekibuga Mukono ky'alondebwa kubanga kirimu amasomero agawerera ddala agasomesa olulimi Oluganda ku maddaala gombi ate nga n'omunoonyereza mw'abeera nga kino kyayanguyisa omulimu gwe ogw'okunoonyereza.

ESSUULA EY'OKUBIRI

OKWEKENNEENYA EBIWANDIIKO.

2.0 ENNYANJULA

Abasomesa abasiga obungi mu kitundu kino b'esigama ku masomo g'olungereza n'oluganda naddala nga b'esigamizibwako okuvvoola abasomesa b'olulimi Oluganda, ensonga ezibaviirako okuvvoolwa, wamu n'amagezi agayinza okusalibwa okusobola okumalawo oba okugonjoola ensonga ezo.

Tulina abasomesa wamu n'abayizi abasomesa wamu n'okusoma amasomo amalala abavoolwa nga abasomesa b'olulimi Oluganda. Kale nno, okwekennenya abasomesa mu kitundu kino kugenda kw'esigamizibwa nnyo kubasomesa b'olulimi Oluganda abatonotono wamu n'abasomesa kko n'abayizi bamasomo ob'ennimi endala abalala abatagwa mu kkowe ly'okusomesa kyokka nga bogera kukizibu ekinoonyerezebwako.
N'olw'ekyo okwekennenya abasomesa kwekuusiza ddala nnyo ku bigendererwa by'okunoonyereza bino wammanga.

1. Emigaso gy'obutavvoola basomesa wamu n'abayizi.
2. Ensonga eziviirako abasomesa wamu n'abayizi okuvvoolwa mu masomero.
3. Amagezi agayinza okusalibwa okusobola okugonjoola ensonga eziviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa.

2.1 EMIGASO EGIRI MU KUSSA EKITIIBWA MU BASOMESA AB'ENJAWULO.

Walusimbi (2012), akulira ennimi ennansi ezisomesebwa mu Makerere University era ng'atuula kukakiiko k'amawanga amagatte ak'eby'ensoma UNESCO (Sept. 23rd. 2012) agamba nti,"abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda balina enkizo y'amanyi singa tuba tubekennenyeza bulungi okugeza, y'ayogera kukatundu k'okuvvoola abasomesa wamu n'abayizi nti abasomesa n'abantu abalala bakafeeyo nnyo kuba abasomesa b'olulimi Oluganda tulina batono ddala mu

ggwanga Uganda kyoka ng'amasomo mangi ag'etaaga okusomesebwa mu lulimi Oluganda abantu lw'ebategeera obulungi.

LTA (2003), bagamba nti "singa abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda bayisibwa mu ngeri ennuŋŋamu, abayizi abo baba basobola okufuna emirimu g'okusomesa olulimi abantu abalala ababa batalumanyi olwo kibasobozese okuvuganya obulungi mu nsi eno.

OECD (June 1995), bagamba nti, "obutafaayo ku musomesa, kyonna ky'asomesa, eby'afaayobye, omutendera gw'eyakomako mu kusoma, by'alina oba by'ali mu bulamu, ekikulakye oba ssayiziye, bagamba nti sibikulu wabula asanidde aweebwe ekitiibwa ekimugwanidde oba ekimugwanira, kubanga naye aba musomesa ng'abasomesa balala bonna abasomesa ennimi ndala mu somero eryo ate ne mu masomero amalala.

Ate **ROPC (2018),** bagamba nti, okuyisa abantu mu ngeri ennungi, oba nti okuwa abantu ekitiibwa, kifuula ensi yo okuba ennungi, n'ekitundu kyo okuba ekirungi ky'okubeeramu, na buli wantu wonna oba; mu maka gy'etubeera, mu masomero, oba mu kitundu kyo. Bongera n'ebagamba nti, kino kiba kyangu- kubanga ky'oba olina okukola, kw'ekuyisa obulungi abantu mu ngeri naawe gy'ewandiyagadde bakuyiseemu.

Era n'ekitongole kya "**Human Rights Commission" (HRC Act of 10th April 2015**), kigamba nti, "Okuvvoola abantu abalina obumanyirivu ng'abasomesa bw'etutyo kisobola okuvaamu ebitali birungi okugeza abantu oba (abasomesa) basobola okusirikira obumanyirivu wamu n'ebintu aby'amakulu bye bamanyi ebiyinza okuyamba abalala olwo'kutya okuyisibwamu amaaso ekikolwa ekivvoola eddembe ly'abwe ery'obuntu."

Bongera n'ebagamba nti, "okuvvoola kisobola okufuula omusomesa ekizibu okubeera ow'omugaso, engeri gye kiba nti abayizi ababa bafunye okukulaakulana n'okutegeeragana obulungi n'abasomesa babwe, n'abo baba balaba nga n'abo batwalibwa ng'abatali babuvunaanyizibwa ng'abayizi wamu n'abasomesa abasoma wamu n'okusomesa amasomo g'ennimi endala.

Kale kino kiba kisobola okumalawo obummu ate n'okuleetawo enkaayana n'obutakwatagana ebiyinza okugotanya okusoma n'okukola obulungi kw'abayizi awamu n'okusuula omuntindo gw'esomero eryo.

Kalinda (2001), agamba nti, "obutavvoola basomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda kyankizo nnyo naddala mu bayizi abakola olulimi Oluganda anti, ebintu bye baba basoma biba bisobola kubatunda mu by'ensoma ne mukukola obulungi kw'essomero eryo ekiyinza okw'ongera okuyitimuza omutindo gw'essomero. Kino Kalinda akyogerako nnyo bw'atulaga engeri gy'ayisaamu abasomesa be mu butabo bwe obw'enjawulo bw'atuwandiikira omuli "Bwalibutamanya", nti yakafunamu ensimbi nnyingi nnyo kubanga abantu bangi nnyo naddala abasomesa b'olulimi Oluganda wamu naabayizi baakagula nnyo.
Ayongera n'agamba nti, "omuntu aba assibwamu ekitiibwa olw'okusomesa olulimi olunnansi (Oluganda) aba n'okumanya okusukkulumu ku kw'abalala anti asooka neyekenneenya olulimi olwo nga tanatandika kulusomesa olwo n'alukugukamu wamu n'okulutegeera obulungi ennyo olwo naalyoka alusomesa abalala.

Mugerwa, (2007), agamba mu kitabo kye, "Ekirooto kya Sir Apollo Kaggwa", nti, "tuusanye tuwe abasomesa b'olulimi Oluganda ekitiibwa olwo tutwale olulimi Oluganda mu maaso." Kino kitegeeza nti, nga tuwa abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda ekitiibwa ekibagwanira, nga bwetutavvoola basomesa basomesa nnimi ndala. Kino kisobozese abasomesa wamu n'abayizib'olulimi Oluganda okulwenyumirizaamu. Kisobozese okukulaakulanya olulimi Oluganda nga kino kijja kusikiriza n'abantu abalala okw'agala okulusomesa wamu n'okulusoma.

Professor Kioko, (16th Jan 2015), agamba nti, "okussa ekitiibwa awamu n'obutavvoola basomesa b'alulimi Luganda wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda, kiyamba abaana ababa bakatandika obutandisi okusoma, okutandika okusoma nga basomesebwa olulimi lw'abwe oluzaaliranwa okusinga lwe batandika n'ennimi engwira. Okugeza nga Olungereza, Oluswayiri, n'ennimi endala nnyingi". Kale kino bw'ekityo ne kifuula abasomesa b'olulimi Oluganda n'abayizi b'olulimi Oluganda okuba ab'enkizo ennyo olw'omulimu amakula ogwo gwe bakola.

Kino ky'akakasibwa n'ekitongole kye by'ensoma ne eby'emizannyo "Ministry of Education Games & sports", **Namirembe Bitamazire (2009),** agamba nti olw'obukulu bw'abasomesa b'olulimi Oluganda kye ky'asikiriza Gavumenti ya Uganda okuteekawo enkola ey'okusomesa abaana mu lulimi olunnansi (Oluganda), okuva ku kibiina ekitandikirwako okutuuka ku kibiina ekyookuna. Kale olwo nno baly'oke batandike okusomesebwa mu nnimi endala." Kino nno kyonna ky'akolebwa okw'ongera okulaga obukulu bw'abasomesa b'olulimi Oluganda olwo nno basobole okubeera nga tebavvoolwa.

The collaborative classroom – methodology (2009), bagamba nti, "okussa ekitiibwa wamu n'obutavvoola basomesa ba lulimi Luganda, kiyamba okubafuula ab'omugaso ekiyamba okuzimba abaana b'eggwanga nga beeyambisa amagezi, obumanyirivu bw'ebyo bye bayiseemu bbo nga abasomesa b'olulimi Oluganda.

HR/4674 (21st May 2003), bagamba nti, "kya mugaso nnyo okusa ekitiibwa mu basomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda, kino bakikakasa bwe bakkaatiriza emigaso egiri mu kusomesa ennimi ennansi wamu n'obuwangwa bw'abantu abo". Kale bw'ekityo bakkaatiriza nti, "kikulu ddala okussa ekitiibwa mu basomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda kubanga kino kiyamba okuleetawo obumu wakati w'abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda n'abasomesa b'ennimi endala oba amasomo amalala.

PERMANENT FORUM (15th &16th meetings May 2003), nabo bongera okukkaatiriza obukulu obuli mukuwa abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda ekitiibwa mu kifo ky'okubavvoola. Bakakasa nti, "kikulu nnyo obutavvoola basomesa ba lulimi Luganda kubanga kati kumpi ebitundi ataano ku buli kikumi (50%) mu bitundu by'eggwanga Uganda eby'enjawulo lwe lulimi lw'ebeeyambisa." Noolw'ekyo abasomesa abalusomesa bakola omulimu gw'ankizo nnyo ogutabasaanyiza kuvvoolwa.

UNESCO (2003), nga ekiikirirwa omukulembeze omu mulukiiko olw'atuuzibwa nga 16th May 2003 okukubaganya ebirowoozo kubukulu bw'ennimi ennansi nga Oluganda, ky'azuulibwa nti, "abantu buwumbi na buwumbi abegenda mu maaso n'okusomesebwa mu nnimi ze batategeera

na ku tegeera. Ya yongerako nti, "okw'enyigiramu kw'abasomesa b'olulimi Oluganda, kwaali kwa mugaso nnyo nnyini ddala ekyayamba okusitula n'ekumutindo gw'ebye ensoma.

Ate ye omumyuka wa **AINU (Association of Hokkaido)**, a gamba nti, "abaana baali ku kusoomoozebwa kw'amaanyi era nti bangi bali kunjegoyego y'okuva mu masomero olw'okusosolebwa okwali okw'okugonjoolwa n'okusomesa olulimi Oluganda, era eby'afaayo mu masomero agaddukannyizibwa Gavumenti biraga nti; mu kiseera kino a baana a basoma Oluganda, be ba ky'asinze obungi olwo okufaayo kw'abasomesa b'olulimi Oluganda kwe balina eri abo be basomesa. Kale kino ne kiyamba n'abayizi baabwe okuba nga bebasinga n'okukola obulungi mu bibuuzo eby'akamalirizo. Kale kino kituukibwako nga baweebwa ekitiibwa ekiba gwanira nga abasomesa b'ennimi endala wabula ssi kubavvoola.

2.2 ENSONGA EZIVIIRAKO ABASOMESA WAMU N'ABAYIZI B'OLULIMI OLUGANDA OKUVVOOLWA.

Ekitongole kya **HRC (Wed 10th Sep 2003)**, kigamba nti, "ebimu ku biviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa, bbwe butaba by'akulabirako birungi eri abasomesa wamu n'abayizi abalala. Era nti abasomesa wamu n'abayizi abo, "nti beeyisa mu ngeri etasaniidde oba etabasanyiiza kuwebwa kitiibwa."

Era ekitingole kino ki **HRC (Sun Feb 18th, 2018),** abakugu baakyo bayongera okukkaatiriza ne bagamba nti, "omuntu bw'aba teyewa kitiibwa ku mulimu gwe n'emunkolagana ye n'abantu abalala, kale kibeera kizibu omuntu oyo okussibwamu ekitiibwa abantu abalala." Kalenno bw'ekityo abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda olw'obutessaamu kitiibwa bbo bennyini, kimu kubiviirako abantu abalala okubavvoola mu masomero gassiniya.

Bongera okukkaatiriza nga bagamba nti, "obutabeerawo bw'amateeka ga kwasisa mpisa kumpisa y'abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda nakyo kimu ku ebyo ebiviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero ga ssiniya.

Aba **Enviromentalists (Tues Oct16th, 2015**), bagamba nti, "obutabeerawo bw'abibonerezo bikakali eri abo abatassa oba abatawa bannaabwe kitiibwa nakyo kiwa abantu enkizo okugendera ddala mu maaso n'okuvoola abalala olw'obutaba nababakuba nkunsolobotto."

Bakkaatiriza nti, "abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda bavvoolwa olw'ebikula by'abwe gamba nga abawala/mukyala oba omulenzi/mwami, nti era bavvoolwa olw'emyaka, olw'ebyo byebakkiririzaamu, mu by'eddiini, wamu n'embeera y'abwe mu by'ensimbi."

Immanuel Kanti (13th century) agamba nti, "okuteekawo okwawulayawula mu bantu mubiti eby'enjawulo kimu kubivviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa. Immanuel kanti (1785, 1788, 1797).

LTA (Aug. 11th, 2017), bagamba nti, "obutabeerawo nkolagana nnungi wakati w'abasomesa b'olulimi Oluganda n'abasomesa abalala nakyo kibaviirako okuvvoolwa." Kino kiretebwa ebintu eby'enjawulo okugeza enjawulo mukuyita kw'abaana abakola olulimi Oluganda naabo abatasoma lulimi Luganda.

Bakkaatiriza nti, "abasomesa okulemererwa okuluŋŋamya obulungi abayizi mu ngeri gye balina okuluŋŋamizibwamu nakyo kimu ku bibavviirako okuvvoolwa." Ate era, "abasomesa wamu n'abayizi balina nabo ebintu bye bakola ebibaviirako okuvvoolwa, okugeza ennyambala, enneyisa eri abasomesa wamu n'abayizi abalala n'ebintu ebirala nga ebyo."

Kirwana (2004), agamba nt, "abasomesa okuteekawo enkolagana ey'enjawulo n'abayizi baabwe ate bebasomesa ne batuuka n'okuwanyisiganya ensonga zaabwe eze kyama. "kino kivviirako abayizi wamu n'abasomesa abalala okutandika obutawa basomesa ba lulimi Luganda kitiibwa wamu n'abayizi baabwe be basomesa.

Nsiimbi (2009), agamba nti, "olwo okujja kwa ttekinologiya mu Uganda, emikutu gy'empuliziganya gamba nga "facebook", WhatsApp", n'emirala, ekifuula obulamu bw'abasomesa okubeera nga butabuliddwa n'obwabayizi baabwe.

Ayongerako nti, "abayizi wamu n'abasomesa abalala olw'okuba neeby'obugagga bya bazadde baabwe, bakola era ne bayisa abasomesa abalala abatalinaamu busente ekiviirako bangi okuvvoolwa. Ate naddala abasomesa b'olulimi Oluganda olw'okuba nti, "balowooza nti bawansi olw'okusomesa olulimi Oluganda. **(Kirwana 2007).**

Omunoonyereza agamba nti, "newankubadde abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda bafuna ebintu eby'enjawulo ebibakaluubiriza mu kusoma wamu n'okusomesa olulimi Oluganda, naye ekizibu ekisingira ddala obukulu kiviira ddala mu basomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda b'ennyini. Kino kiri kityo kubanga abasomesa b'olulimi Oluganda balemererwa okw'ekkiririzamu bbo b'ennyini bwe bagamba nga abayizi baabwe nga Oluganda bwe lutalina gye lugenda ku batwala nga nnimi ndala. Ekirala abasomesa b'ennyini tebeeyisa mu ngeri eyinza okubaweesa ekitiibwa basomesa ba nnaabwe abalala.

N'olw'ekyo, abasomesa bafuna obuzibu obwo nga basomesa olulimi Oluganda okuva eri abasomesa be nnimi wamu n'amasomo amalala mu masomero ga ssiniya.

2.3 EMPENDA EZIYINZA OKUSALIBWA OKUSOBOLA KUMALAWO ENSONGA EZIVIIRAKO ABASOMESA WAMU N'ABAYIZI B'OLULIMI OLUGANDA OKUVVOOLWA MU MASOMERO GA SSINIYA.

Ssekamwa (1987), agamba nti, "abasomesa wamu n'abayizi basaanidde okuteekawo embeera ey'ookubakuumira mubumu wamu n'abasomesa kko ne bayizi bannaabwe abasomesa era n'abasoma ennimi endala oba amasomo amalala.

Abasomesa era bbo b'ennyini balina okw'ekkiririzaamu nti nabo bamugaso nnyo nga abasomesa b'ennimi endala oba abamasomo amalala bonna. Douglas (1968), agamba nti, "Abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda basaanidde okuwa endowooza zaabwe naddala nga munkuŋŋaana z'essomero (school meetings), olwo nno nabo basobole okuwulikika nga ab'omugaso."

LTA (2003) bagamba nti, "Abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda basaanidde bbo b'ennyini beekebere mu nneeyisa yaabwe wamu n'ebye bakola ebirowoozebwa okuba nga bye biwa abantu abalala ebbeetu oba ekyaanya okubavvoola.

Bongerako nti, "Abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda basaanidde okulongoosa mu mpisa zaabwe wamu n'okuba ebeegendereza ennyo wamu n'okuteekawo ekkomo kunkolagana yaabwe wamu n'abayizi b'abwe bebasomesa n'essomero lyonna okutwaliza awamu."

Nsimbi (1978) agamba nti, "Abakulu b'amasomero ga ssiniya basaanidde okuteekateeka emisomo egy'enjawulo okukkaatiriza obukulu bw'abuli musomesa yenna obutafaayo kuki ky'asomesa kubanga obwegassi g'emaanyi."

UNATU (2017), bagamba nti, "Abasomesa bwe bakwatagana obulungi wamu n'abayizi b'abwe be basomesa, basobola bulungi nnyo okubakumaakuma n'okubaluŋŋamya obulungi nga bali kitole. Olwo nno n'ekiyamba abayizi okukola obulungi mumisomo gy'abwe.

LTA (2015), bagamba nti, "olulimi Oluganda lw'amugaso nnyo mubulamu bw'abuli muntu; alusomesa n'atalusomesa. Kale nno bakkaatiriza ensonga y'okuwaŋŋana ekitiibwa wakati w'abasomesa b'ennimi naaba masomo amalala. Kino kiba ky'akuyamba ne mukuntumbula eby'ensoma wamu n'okolaakulanya olulimi Oluganda, kubanga kiba kisikiriza bangi okulusomesa n'okulusoma.

Omunoonyereza agamba nti, "okuwaŋŋana ekitiibwa wakati w'abasomesa b'ennimi n'amasomo amalala wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda kye ky'andibadde ekimu ku bintu ebissibwako ennyo omulaka abakulembeze wamu n'abakulu b'amasomero ga ssiniya. Mungeri yeemu, ekintongole ky'eby'enjigiriza kisanye kiddemu okusomesa abasomesa b'olulimi Oluganda engeri y'okweyisamu n'okuyisaamu basomesa bannaabwe abasomesa ennimi oba amasomo amalala.

2.4 EBIBUUZO BY'OKWEBUUZA.

Okunoonyereza kuno kw'esigamizibwa ku bibuuzo bino wammanga;

a. Nnyonyola emigaso egiri mu kuwa ekitiibwa abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Olugada.
b. Ensonga eziviirako abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero ga ssiniya.

c. Biki ebiyinza okukolebwa okusobola okumalawo ekivvoola basomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda mu masomero ga ssiniya

ESSUULA EY'OKUSATU

OLUWENDO LW'OKUNOONYEREZA

3.0 ENNYANJULA.

Mu kitundu kino, omunoonyereza alaga engeri okunoonyereza kwe gye kw'akolebwamu wamu n'empenda ze yeeyambisa nga akola okunoonyereza kwe.

3.1 ENTEGEKA Y'OKUNOONYEREZA.

Ebbago nga limaze okuyisibwamu n'okukkirizibwa, omunoonyereza yafuna ebbaluwa eya mukkiriza era eya mwajula mu masomero mwe yakolera okunoonyereza kwe.
Omunoonyereza yeeyambisa ebibuuzo eby'okumumwa wamu n'eby'okujjuzaamu bye yabuuza abayiza wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda era ebibuuzo by'abayizi byaali by'anjawulo ku by'abasomesa.

Omunoonyereza yategeka bulungi olukalala lw'ebibuuzo by'eyabuuza abayizi ate n'abasomesa. Era oluvannyuma yafuna olukusa okuva mubakulu b'amasomero olw'amukkiriza okukola okunoonyereza kuno.

Omunoonyereza yasooka kubuuza abayizi wamu n'abasomesa abasoma wamu n'okusomesa olulimi Oluganda ebibuuzo eby'okumumwa ngabw'awandiika ebimuddibwamu n'oluvannyuma n'abawa ebibuuzo eby'okujjuzaamu.

Kino ky'ayamba omunoonyerza okufuna obubaka obutaalimu bulimba oluvannyuma lw'okufuna obubaka okuva mu bayizi abakola olulimi Oluganda wamu n'okuva mu basomesa abasomesa olulimi Oluganda.

Kino ky'akolebwa mumasomero asatu (3) n'oluvannyuma omunoonyereza yeekkenneenya eby'azuulibwa era n'abiyungulula.

3.2 EKIFO N'EBIBINJA BY'ABANTU.

Okunoonyereza kw'akolebwa mu masomero amalondemu agasomesa olulimi Oluganda ku ddaala ly'ansenvuddeko n'eryowabulijjo mu kibuga ky'eMukono mu Mukono Ddisitulikiti. Ekitundu ky'eMukono ky'alondebwa kubanga kirimu amasomero agawerera ddala agasomesa olulimi Oluganda ku madaala gombi, ate nga noomunoonyereza mw'abeera nga kino kyaali kya kumwanguyiza omulimu gwe ogw'okunoonyereza.

Mu kunoonyereza kuno omunoonyereza yassa essira kunkola ey'okulondobamu abayizi wamu n'abasoma olulimi Oluganda ku ddaala ly'owabulijjo wamu n'eryansenvuddeko, kko nabasomesa abasomesa olulimi Oluganda.

Ensonga eya londesa abayizi bano eri nti, be basinga okunnyigirizibwa ensonga y'okuvvoolwa bayizi bannaabwe abalala, ate nga n'abasomesa be bantu abatuufu okubuuza anti be baali mumitambo gy'okussa munkola omulimu gw'okusomesa olulimi Oluganda ate n'okuvvoolwa basomesa bannaabwe mu masomero ga ssiniya.

3.3 EBY'EYAMBISIBWA.

Omunoonyereza yeeyambisa ebibuuzo eby'okujjuzaamu n'ebibuuzo ebirambike oba eby'okumumwa. Ebibuuzo byonna byaali by'esigamiziddwa kubukulu bw'okussa ekitiibwa oba obutavvoola basomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda, ensonga eziviirako okuvvoolwa, wamu n'empenda eziyinza okusalibwa okusobola okumalawo ebizibu oba ensonga ezo.

Omunoonyereza yasooka okuwa abayizi n'abasomesa ebibuuzo eby'okumumwa oba ebirambike, nooluvannyuma n'abawa ebibuuzo by'okujjuzaamu. Ebibuuzo eby'okujjuzaamu by'alekebwamu amabanga abayizi n'abasomesa mwe bawandiika ensonga zebaalina ku bye baabuuzibwa. ku nkomerero y'abyonna, omunoonyereza yabitabuta era n'abikubaganyaako ebirowoozo n'omulunnamya we.

Omunoonyereza yeyambisa ensimbi ez'okukozesa ng'atambula mu masomero ag'enjawulo.

Omunoonyereza yeyambisa ekyuma ekikwata amaloboozi.

3.4 OBUTUUKURIVU N'OBWESIGE BW'EBINTU EBY'EYAMBISIBWA MU KUNOONYEREZA.

Okuzuula n'okukakasa nti eby'eyaambisibwa bituukuridde era byali by'esigika okusobola okutuuka ku bigendererwa n'ebiruubirirwa, omunoonyereza ya bikkanyaako n'omulunnamya we ate oluvannyuma n'abigezesa mu bayizi wamu n'abasomesa ku madaala gombi aga abasoma n'okusomesa olulimi Oluganda.

Omunoonyereza yasooka kuyitiramu kibinja ky'abantu be yalonda, obukulu n'emigaso gy'ebyo eby'azuulibwa eri gye bali n'eri olulimi Oluganda okutwalira awamu.

3.5 OKW'EKKENNENYA EBY'AZUULIBWA.

Oluvvannyuma lw'okunoonyereza, omunoonyereza yayungulula eby'azuulibwa nga yeeyambisa enkola eya nakannyonnyozi era nga yeesigama ku ngeri abayizi n'abasomesa gy'ebaali bazeemu ebibuuzo ebyo.

Omunoonyereza olwo n'abiyungulula ng'abizza ku buli kikumi (100) era nga alaga okukkiriziganya oba okugaana okwaliwo.

ESSUULA EY'OKUNA

OKW'EKENNEENNYA N'OKUTAPUTA EBY'AKUDDANYIZIBWA.

4.0 ENNYANJULA.

Essuula eno eraga eby'ava mu kunoonyereza okwagenderera okuzuula ensonga eziviirako abayizi wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero ga ssiniya.

Mu kunoonyereza kuno, mwalimu enziramu z'amirundi ebiri, ey'abasomesa neeya abayizi. Ennukuta A yeyambisibwa okulaga eky'addibwamu okuva mu bibuuzo eby'abubuuzibwa abasomesa wamu n'abayizi mu masomero ag'enjawulo.

4.1 EBYAVA MU NZIIRAMU Y'ABASOMESA

Olukalala lw'ebibuuzo eby'asooka, lwalina ebibuuzo ebyali bigenderera okuzuula obumanyirivu bw'abasomesa abasomesa olulimi Oluganda ku madaala gombi aga masomero ga ssiniya.

4.1.1 OBUMANYIRIVU BW'ABASOMESA.

Omunoonyereza y'abuuza ekibuuzo kino okwagala okuzuula ebbanga abasomesa abaddamu ebibuuzo lye bamaze mu mulimu guno ogw'okusomesa olulimi Oluganda. Era okuddamu kwaabwe kulagiddwa bulungi nnyo wammanga.

Olukangaga luno wammanga lulaga mu bufunze ebyaddibwamu kumkibuuzo eky'asooka ekyaali kigamba nti, "**Olina obumanyirivu bw'amyaaka emmeka**?

Olukangaga: 4.1

Emyaka	Obujjumbize	Ku buli kikumi (%)
1-3	3	30%
4-6	2	20%
7-9	4	40%
10+	1	10%
omugatte	10	100%

Okunoonyereza kw'alaga nti abasomesa ebitundu 40% baali nga basomesa oluganda era nga basusizza emyaka omusanvu. Ate abasomesa ebitundu 30% baali basomeserezza ebbanga erita sukka wansi w'emyaka esatu (3). Kyokka abasomesa ebitundu 20% be baali bakasomesereza emyaka egisukka mu myaka esatu. Sso nga abasomesa ebitundu 10% bbokka be baali bakasomesereza ebbanga eri sukka mu myaka ekkumi.

4.1.2 OBUYIGIRIZE BW'ABASOMESA.

Omunoonyereza y'abuuza ekibuuzo kino okusobola okuzuula obuyigirize bw'abasomesa abaddamu ebibuuzo. n'okuzuula oba nga abasomesa baali babangule mu kusomesa olulimi Oluganda. Era bye baddamu biragiddwa wammanga.

Olukangaga luno wammanga, lwe lulaga mubufunze eby'addibwamu kukibuuzo ekyali kigamba nti, "**Olina buyigirize ki**?"

Olukangaga: 4.2

Obuyigirize	**Obujjumbize**	**Ku buli kikumi (%)**
Satifikeeti	-	-
Dipulooma	3	30%
Ddiguli	6	60%
Mansitaazi	1	10%
Omugatte	10	100%

Olukangaga luno lulaga nti abasomesa bonna (100%) abatuukirirwa, baalina obuyigirize obutuukiridde mu busomesa. Era okunoonyereza kw'alaga nti, abasomesa ebitundu 60% baalina Ddiguli mu lulimi Oluganda, ebitundu 30% baalina Ddipulooma mu lulimi Oluganda, ate bbo abasomesa ebitundu 10% be baalina Mansitaazi mu lulimi Oluganda. Ky'okka obumanyirivu bw'abasomesa mu kusomesa olulimi Oluganda bw'eyolekera mukuddamu ekibuuzo kino.

4.1.3 EDDAALA OMUSOMESA LY'ASOMESA.

Omunoonyereza y'abuuza ekibuuzo kino okw'agala okuzuula eddaala buli musomesa eyaddamu ekibuuzo lye yali asomesaako olulimi Oluganda. Era eby'addibwamu abasomesa biragiddwa mu lukangaga luno wammanga.

Olukangaga luno lulaga mubufunze eby'addibwamu abasomesa ku kibuuzo ekyaali kigamba nti, **"Osomesa ku ddaala ki?"**

Olukangaga: 4.3

Eddaala	**Obujjumbize**	**Ku buli ki kumi (%)**
Ery'owabulijjo	2	20%
Nsenvuddeko	3	30%
Gombi	5	50%
Omugatte	10	100%

Okunoonyereza kw'alaga nti, abasomesa ebitundu 50% be basomesa olulimi Oluganda ku madaala gombi, abasomesa ebitundu 30% be basomesa olulimi Oluganda ku ddaala ly'ansevuddeko, ate abasomesa ebitundu 20% be basomesa olulimi Oluganda ku ddaala ly'owabulijjo. Kino kiraga nti, abasomesa abasinga obungi balina obusobozi obusomesa ku madaala gombi.

4.1.4 WALI OVVOOLEDDWAAKO?

Okunoonyereza ku kibuuzo kino kw'agenderera okumanya abasomesa b'olulimi Oluganda abaali bavvooleddwaako ku ma daala gombi. Kale nno olukangaga luno wammanga lulaga bulungi nnyo abasomesa, abaali bavvooleddwaako olw'okusomesa olulimi Oluganda.

Olukangaga: 4.4

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Ku buli kikumi (%)
Yee	8	80%
Nedda	2	20%
Omugatte	10	100%

Okunoonyereza kw'alaga nti, abasomesa ebitundu 80% be bavvoolwa ku ma daala ga siniya ag'enjawulo, wabula ebitundu 20% be batavvoolwa olw'okusomesa olulimi Oluganda.

Olw'okubanga bwe baba basomesa bakyusakyusa amasomo (subjects), okuvvoolwa kuno bakusisinkana mu ngeri zino wammanga:

A: Bayisibwamu amaaso basomesa bannaabwe.

A: Tebaweebwa kitiibwa ku masomero gy'ebasomesa.

A: Basosolwa n'emunkiiko ezitegekebwa ku masomero gy'ebasomesa.

A: Batwalibwa nga abatalina mugaso ekitali ku basomesa b'ennimi oba abamasomo amalala.

A: Tebaweebwa kitiibwa yadde okutwalibwa ng'eky'okulabirako eri abayizi ekibamalamu amaanyi.

A: Batwalibwa nga ababa baalemererwa naddala mumisomo gy'abwe.

Abasomesa baagenda mumaaso ne bategeeza omunoonyereza nti, basinga kuvvoolebwa mubitundu bino wammanga;

A: Eby'enjigiriza.

A: Eby'obulamu.

A: Embeera z'abantu n'enneeyisa.

A: Eby'enfuna.

A: Obutonde.

Omunoonyereza okw'agala okumanya obukulu bw'okussa ekitibwa mubasomesa b'olulimi Oluganda ku madaala ga ssiniya gombi, yabuuza bw'ati;

Olowooza waliwo emigaso gyonna mukussa ekitiibwa n'obutavvoola basomesa b'olulimi olulimi Oluganda ku madaala g'assiniya gombi?

Olukangaga: 4. 5

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Ku buli kikumi (%)
Yee	10	100%
Nedda	00	00%
Omugatte	10	100%

Abasomesa bonna ababuuzobwa bakkiriza nti; ddala waliwo emigaso egiri mu kussa ekitiibwa mu basomesa b'olulimi Oluganda ku madaala ga ssiniya gombi era baddamu bwe bati:

A: Okwagazisa abalala okusoma olulimi Oluganda.

A: Okwagazisa abalala okusomesa olulimi Oluganda.

A: Okwenyumuriza mu lulimi lw'abwe.

A: Okuleetawo obumu.

A: Enkolagana ennungi wakati w'abasomesa bonna wamu n'abayizi.

A: Okuleetawo emirembe n'enkulaakulana.

A: Okussa ekimu wamu n'okuyambagana.

A: Obukugu mu kusomesa olulimi Oluganda.

A: Okuyisa abayizi ebigezo by'abwe eby'akamalirizo.

Kyokka okunoonyereza kwalaga nti waliwo obuzibu abasomesa bwe basanga nga buva kukuvvoolwa olw'okusomesa olulimi Oluganda ku maddaala ga ssiniya gombi. Kino omunoonyereza okusobola okukituukako, yasinziira ku by'addibwamu abasomesa kukibuuzo kino:

Olina obuzibu bwonna bw'osanga mu kuvvoolwa olw'okusomesa olulimi Oluganda ku madaala ga ssiniya gombi?

Olukangaga: 4.6

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Ku buli kikumi (%)
Yee	90	90%
Nedda	10	10%
Omugatte	100	100%

Abasomesa bonna ababuuzibwa, 90% baddamu nti yee ddala waliwo obuzibu bwe basanga mu kuvvoolwa olw'okusomesa olulimi Oluganda ku madaala ga ssiniya gombi, wabula abasomesa 10% baddamu nti nedda bbo tebalina buzibu bwonna bwe basanga mu kuvvoolwa olw'okusomesa olulimi Oluganda ku madaala ga ssiniya gombi, era abasomesa baddamu bwe bati;

A: Obutaba nabukugu bumula mu kusomesa olulimi Oluganda.

A: Olulimi Oluganda luweebwa obudde butino ddala mu masomero.

A: Abayizi b'olulimi Oluganda abasinga tebawa basomesa baabwe kitiibwa.

A: Olw'obutawebwa kitiibwa abasomesa abamu beekyawa ne balekulira n'omirimu gw'okusomesa.

A: Abasomesa abamu tebabalibwa na kunteekateeka z'essomero ezimu ezi tegekebwa abakulu b'amasomero.

A: Abasomesa era batwalibwa okuba aba wansi ddala era mbu abatatukaganye na mutindo.

A: Okuvvoolwa kibayisizza ddala bubi nnyo.

A: Olw'okuvvoolwa tebaweebwa nabudde bumala nga abasomesa.

A: Eby'eyambisibwa babawa nabitino ddala mu masomero.

A: Abasomesa abamu tebaagala na kusomesa lulimi Luganda kati.

Newankubadde nga abasomesa abo baddamu bw'ebatyo, ate waliwo abasomesa abalala abaddamu nti bbo okuvvoolwa tebakusangamu buzibu bwonna.era nga bbo baddamu bwe bati;

A: Kyabulijjo abantu bangi bavvoolwa.

A: Ssifaayo nze nfa kumulimo gw'enkola.

A: Ekikulu kiri nti bansasula ssente zaange mubudde.

A: Kussomero mbeerayo bw'alumu.

A: Waliwo n'abasomesa abalala abavvoolwa.

Omunoonyereza bwe yamala okuzuula obuzibu abasomesa b'olulimi Oluganda bwe basanga olw'okuvvoolwa, ng abwe bulagaiddwa waggulu, kyali kimukakatako okwongera okuzuula amagezi agayinza okusalibwa okusobola okumalawo obuzibu obwo.

N'olw'ekyo, okunoonyereza kwalaga nti waliwo engeri nnyingi eziyinza okukolebwa oba okwe yambisibwa okusobola okumalawo vobuzibu abasamesa b'olulimi Oluganda bwe basanga oba bwe bafuna olw'okuvvoolwa nga basomesa olulimi Oluganda.

Kino omunoonyereza okusobola okukituukako, yasinziira ku byaddibwamu abasomesa ku kibuuzo kino:

Olowooza waliwo amagezi gonna agayinza okusalibwa okusobola okumalawo obuzibu obwo?

Olukangaga: 4.7

Ekyaddibwamu	Omuwendo	Ku buli kukumi (%)
Yee	10	100%
Nedda	00	00%
Omugatte	10	100%

Abasomesa bonna abaabuzibwa ekibuuzo ekyo, bakkiriza ddala nti waliwo amagezi agayinza okusalibwa okumalawo obuzibu bwe bafuna mu kuvvoolwa olw'okusomesa olulimi Olugada ku madaala gombi era baddamu bwe bati:

A: Abazadde okubuulirira ku baana baabwe n'okubategaaza obukulu bw'okuwa abasomsa ekitiibwa.

A: Abasomesa okwetaba mu misomo egibabangula mungeri y'okukwasaganyaamu embeera eyo.

A: Abasomesa okubuulira abayizi ebirungi ebiri mu kuwa abantu/ abasomesa ekitiibwa basobole okuyita obulungi emisomo gy'abwe.

A: Abakulu b'amasomero okussa munkola engeri y'okubonerezaamu abo ababa batawa basomesa kitiibwa.

A: Abakulu ba masomero okutegeka emisomo egizzaamu abasomesa b'olulimi Oluganda amaanyi.

A: Abasomesa okw'enyigira mu bintu ebitali bimu mu masomero okusobola okulaga obukulu bw'abwe.

A: Abasomesa okuba abatetenkanya nga bayiya enkola ennungi ez'okuleetawo obumu mu masomero.

Nga abasomesa bamalirizza okulaga empenda ez'enjawulo eziyinza okumalawo obuzibu bwe basanga nga bavvoolwa olw'okusomesa olulimi Oluganda, omunoonyereza yafundikira nga awa endowooza ye ku bibuuzo byonna ebyabuzibwa abasomesa, era yagamba bw'ati:

Okutwalira awamu abasomesa baddamu bulungi nnyo ebibuuzo ebyababuuzibwa era babiddamu mu bujjuvu awatali kwegannya. Naye okw'ongera okuttanya kumpenda eziyinza okukolebwa okusobola okumalawo obuzibu abasomesa bwe basanga mu kuvvoolwa olw'okusomesa oluilimi Oluganda, kwe kw'ongera okw'ezza obuggya mu basomesa nga beetaba mu misomo egy'enjawulo ejiyinza okubabangula n'okubazaamu amaanyi mungeri ennuŋŋamu ez'okwasaganyaamu embeera eno.

4.2 EBIBUUZO EBY'ADDIBWAMU ABAYIZI

Olukangaga olusooka lulaga engeri abayizi gye baddamu ekibuuzo ekisooka ekyali kikwata ku kusoma kw'abwe.

Osoma olulimi Oluganda?

Olukangaga: 4.8

Eky'addibwamu	Omuwendo gw'abaddamu	Ku buli kikumi (%)
Yee	20	100%
Nedda	00	00%
Omugatte	20	100%

Ky'azuulibwa mukunoonyereza nti, abayizi bonna 100% abaabuzibwa baali basoma olulimi Oluganda. Kino kitegeeza nti; bye baddamu byali bituufu era nga byesigika bulungi.

Olukangaga olulala lulaga enziramu y'abayizi ku kibuuzo ekyali kigamba nti;

Wali ovvooleddwaako olw'okusoma olulimi Oluganda?

Abayizi baddamu bwe bati,

Olukangaga: 4.9

Ekyaddibwamu	Omuwendo gw'abayizi	Ku buli kikumi (%)
Yee	15	95%
Nedda	5	5%
Omugatte	20	100%

Kyazuulibwa mu kunoonyereza nti abayizi 95% abaabuzibwa baakakasa nti, baali bavvooleddwaako olw'okusoma olulimi Oluganda mu masomero gaabwe gye basomera. Wabula ate bbo abayizi 5% abaabuuzibwa baddamu nti, bbo baali tebavvoolebwanga ko. Olukangaga oluddako lulaga abayizi engeri gye baddamu ekibuuzo eky'okusatu eky'ababuuzibwa nga kigamba nti:

Waliwo emigaso gyonna gyofuna mu kuweebwa ekitiibwa ggwe nga omuyizi w'olulimi Oluganda?

Olukangaga: 4.10

Ekyaddibwamu	Omuwendo gw'abayizi	Ku buli kikumi (%)
Yee	20	100%
Nedda	00	00%
Omugatte	20	100%

Kyazuulibwa mukunoonyereza nti abayizi 100% abaabuuzibwa, bonna baagamba nti, waliwo emigaso egy'enjawulo gye bafuna mu kuweebwa ekitiibwa olw'okusoma olulimi Oluganda. Era eby'addibwamu abayizi ku kibuuzo ekyo bye bino wammanga:

A: Okumanya ennimi ez'enjawulo.

A: Okubeera ab'obuvunaanyizibwa nga bamaze okusoma.

A: Okw'enyumiriza mu ssomo ly'abwe ery'olulimi Oluganda.

A: Okwagazisa abayizi abalala nabo okusoma olulimi Oluganda.

A: Okuyita obulungi ebibuuzo by'abwe eby'akamalirizo.

A: Okukuguka mu lulimi Oluganda nga beeyongera okulusoma n'eku madaala aga waggulu.

A: Okufuna emirimu okugeza nga mu kuwandiika amawulire.

A: Okumanya eby'obuwangwa ate n'okubisomesa abantu abalala.

A: Okuleetawo obumu n'enkolagana ennungi mu bayizi.

Abayizi bonna abaabuuzibwa ekibuuzo ekyo, bye baayogera byonna byaali bifaanagana nga kiraga nti, ddala kituufu okussa ekitiibwa mu bayizi b'olulimi Oluganda ky'amugaso nnyo eri ggye bali wamu n'ebiseera by'abwe eby'omumaaso.

Ekibuuzo eky'ali kiddirira era eky'abuuzibwa abayizi, kyaali ku buzibu abayizi bwe basanga olw'okuvvoolwa olw'okusoma olulimi Oluganda ku madaala ga ssiniya gonna. Era omunoonyereza okusobola okufuna ebirowoozo by'abayizi, yabuuza ekibuuzo ekyaali kigamba nti;

Okuvvoolwa okusangamu obuzibu bwonna ggwe nga omuyizi w'olulimi Oluganda?

Olukanaga: 4.11

Ekyaddibwamu	Omuwendo gw'abayizi	Ku buli kikumi
Yee	18	90%
Nedda	2	10%
Omugatte	20	100%

Okunoonyerreza kwazuula nti: ku bayizi ekikumi abaabuuzibwa, 90% baagamba nti, okuvvoolwa bakusangamu obuzibu obw'amaanyi, naddala nga bbo abayizi abasoma olulimi Oluganda. Era wammanga bye byaddibwamu abayizi bano abasanga obuzibu mu kuvvoolwa olw'okusoma olulimi Oluganda.

A: Okufuula olulimi Oluganda okuba olubi.

A: Okuleetera abayizi okwekweka bayizi bannaabwe.

A: Obutettanira kusoma lulimi Luganda

A: Okutwalibwa nga bamisomo gya lema era abaalemererwa.

A: Tebaweebwa bikozesebwa oba eby'eyambisibwa.

A: Tebafiibwako nga abayizi abasoma amasomo amalala.

A: Okumalibwamu amaanyi era bangi bava ku by'okusoma wamu n'okuva mu masomero.

Wabula, kyazuulibwa nti abayizi 10% abaabuzibwa ekibuuzo ekyo, bbo baagamba nti tewali buzibu bwonna bwe basanga mu kuvvoolwa olw'okusoma olulimi Oluganda. Wammanga bye bya ddibwamu abayizi bano abagamba nti tewali buzibu bwonna bwe basanga mu kuvvoolwa olw'okusoma olulimi Oluganda, era bbo baagamba bwe bati ku kibuuzo ekigambo nti,

Bwe kiba nedda, wa ensonga.

A: Abayizi abasoma ennimi endala abavvoolwa nabo webali bangi.

A: Ekikulu kiri kimu nti, bbo bayita essomo ly'olulimi Oluganda.

A: Engeri y'okukwasaganyamu ababavvoola/ obutabavvoola tugimanyi bulungi.

A: Olulimi Oluganda tuluyita bulungi.

A: Olulimi Oluganda luweebwa obudde obumala.

Naye okusinziira kunziramu ezo waggulu, kiraga nti newankubadde nga abamu bagamba nti, tebalina buzibu bwonna bwe basanga mu kuvvoolwa wamu n'obutaweebwa kitiibwa olw'okusoma olulimi Oluganda, naye abasinga bbo baalaga nti, obuzibu obwo weebuli era bubakosa nnyo y'ensonga lw'aki tebettanira kukola ssomo lya lulimi Luganda ku ddaala ly'owabulijjo era wamu n'okwagala okwongera okusoma olulimi Oluganda ku madaala agaddako.

Olukangaga oluddako lulaga enziramu y'abayizi ku magezi agaali gayinza okusalibwa okusobola okulongoosa mu ngeri abayizi b'olulimi Oluganda gy'ebayisibwamu ey'okuvvoolwa era n'okumalawo obuzibu abayizi bwe bafuna. Omunoonyereza okusobola okuzuula ebirowoozo by'abayizi ku nsonga eno, ya buuza ekibuuzo ekyaali kigamba nti;

Olowooza waliwo amagezi agayinza okusalibwa okusobola okulongoosa mu ngeri abayizi b'olulimi Oluganda gy'ebayisibwamu ey'okuvvoolwa mu masomero ga ssiniya?

Olukangaga: 4.12

Ekyaddibwamu	Omuwendo gw'abaddamu	Ku buli kikumi (%)
Yee	20	100%
Nedda	00	00%
Omugatte	20	100%

Mu kunoonyereza, ky'azuulibwa nti, abayizi bonna 100% abaabuzibwa ekibuuzo kino, bagamba nti, waliwo empenda wamu n'amagezi agayinza okusalibwa okusobola okulongoosa mu mungeri abayizi b'olulimi Oluganda gye bayisibwamu ey'okuvvoolwa. Kale by'ebino ebyaddibwamu abayizi kukibuuzo ekyo;

A: Olulimi Oluganda okuweebwa obudde obumala ng abweguli ku nnimi endala.

A: Abakulu baamasomero okuteekawo enkola ennuŋŋamu eziyinza okuyamba okutabaganya abayizi wamu n'okuleetawo emirembe.

A: Empisa y'okuwaŋŋana ekitiibwa mu massekati g'abayizi okufuulibwa ey'obuwaze.

A: Abasomesa okuzuula emitendera egiyitibwamu okusobola okuyamba okugonjoola obuzibu bw'abayizi obw'okuvvoolwa.

A: Okutandikawo ebibiina ebiyinza okuyamba okuleetawo obumu mu bayizi.

A: Okukolaganira awamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda.

Okunoonyereza kwalaze nti, "abayizi abaabuuziddwa ebibuuzo bino baayolesezza bulungi nnyo obukugu bw'abwe bwe balina mu kuddamu wamu n'okwanukula ebibuuzo mu nziramu". Ekintu ekikulu enyo ky'okka nga baabadde bato nnyo era nga abasinga baava ku ddaala ly'owabulijjo. Mungeri yeemu ebyaddibwamu abayizi bano ky'azuulibwa nti byaali bituukiridde era nga by'esigika bulungi nnyo anti byaddibwamu abayizi abo bokka abakola olulimi Oluganda ku madaala gombi aga ssiniya.

ESSUULA EY'OKUTAANO

OKUKU BAGANYA EBIROWOOZO, OKUWEERERA N'OKUFUNDIKIRA.

5.0 ENNYANJULA

Mu ssuula eno, omunoonyereza mw'ayolekedde endowooza ye ng'asinziira ku bibuuzo eby'abuuzibwa abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda wamu n'ebyo ebyaddibwamu abasomesa n'abayizi nga baanukula ebibuuzo ebyo ku nsonga eziviirako abayizi wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero aga ssiniya.

Endowooza y'omunoonyereza yeeyolekera nnyo ku bigendererwa by'okunoonyereza ebisatu eby'ogera ku migaso egiri mu butavvoolwa (kussa) ekitiibwa mu basomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda, obuzibu bwebafuna olw'okuvvoolwa, wamu n'empenda eziyinza okusalibwa okusobola okulongoosa ku mpisa y'okuvvoola abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda mu masomero ga ssiniya. Mu bintu byonna enkumu eby'azuulibwa, kyeraga lwatu nti, byaali by'ekuusa ku ndowooza y'omunoonyereza.

5.1 OKUKUBAGANYA EBIRIWOOZO.

Okunoonyereza okw'akolebwa kw'azuula nti, abasomesa bano abaazuulibwa baalina obumanyirivu obw'emyaka egisukka mu esatu, balina obuyigirize obumala era nga omu alina Mansitaazi mu lulimi Oluganda, nga ate n'abandi balina Ddiguli wamu ne Ddipulooma mu busomesa. Noolw'ekyo, okusinziira ku buyigirize bwa basomesa kyeraga lw'atu nti, abasomesa bano bamanyi embeera gye bayitamu olw'okusomesa olulimi Oluganda mu masomero aga ssiniya gombi.

Okunoonyereza kw'agenda mu maaso ne kuzuula nga abasomesa bano bonna abaabuzibwa, baali bafunyeeko okusoomoozebwa kuno okw'okuvvoolwa mu masomero gaabwe gye basomesa. Nga okunoonyereza kuno kye kwali kugendererwa kwe kuzuula n'okwekkenneenya ensonga ezivviirako abayizi wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero aga ssiniya. Omunoonyereza yasobola bulungi nnyo okufuna ensonga ezo okuva mu basomesa bano wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda.

Ky'azuulibwa nti, abasomesa bonna baayogera ku nsonga nti; abayizi b'olulimi Oluganda bbo bennyini tebekkiririzaamu ekibalemesa okusomesa abayizi b'olulimi Oluganda. Ensonga eno nno baagisimbako nnyo amakanda olw'ensonga nti, nabo bennyini nga abasomesa tebekkiririzaamu nti baamugaso.

Okusinziira ku ndowooza y'omunoonyereza, abasomesa bano abababuuzibwa balaga bbo bennyini nti; okusomesa olulimi Oluganda tebakwagala era tebafaayo kunoonyereza ku nsomesa yaakwo ennuŋŋamu okusobola okumanyisa abayizi engeri y'okwessaamu ekitiibwa. Kyoka bwe baabuuzibwa empenda eziyinza okumalawo ekizibu ekyo, abasinga baagamba nti basaanye bafune emisomo egy'enjawulo egiyinza okubabangula mu ngeri ez'okwessaamu ekitiibwa ennuŋŋamu.
Okusinziira ku ndowooza y'omunoonyereza, abasomesa bano basaanye b'esseemu ekitiibwa nga bbo abasomesa b'olulimi Oluganda kuba abasinga balabika basomesa olulimi Oluganda naye nga tebeewa kitiibwa kimala.

Abasomesa era bakkaatiriza ku nsonga egamba nti; abasomesa bennyini tebeeyisa mungeri eyiza okubaweesa ekitiibwa basomesa bannaabwe abalala mu masomero gye basomesa. Emu kungeri gy'ebeeyisaamu yey'obutaagala kweyambisa lulimi Lungereza mu budde obutali bw'akusoma lulimi Luganda ate n'endabika yaabwe.
Baayongerako nti bwebaba basomesa abayizi olulimi Oluganda, tebabazaamu maanyi kubalaga nti olulimi Oluganda nalwo lw'amugaso nga ennimi endala. Wabula okusinziira kundowooza y'omunoonyereza, eno teyali nsonga nkulu nnyo kubanga omusomesa yenna alina okuba omuyiya era omutetenkanya ennyo.

N'olw'ekyo abasomesa bonna abasomesa olulimi Oluganda, balina okubeera abayiya ennyo era balina okuba abatetenkanya mu buli kintu kye bakola.
Kale nno, omunoonyereza alowooza nti enneyisa yabasomesa ssi nsonga yokka eyinza okuviirako abasomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda okuvvoolwa kubanga basobola okukyusa gamba nga; nga bambala bulungi, nga bakozesa olulimi Olungereza mu budde obutali bwakusoma olulimi Oluganda.

Okunoonyereza era kwakizuula nti abasomesa bonna abaabuuzibwa baagamba nti okujja kwa tekinologiya mu Uganda, emikutu gy'eby'empuliziganya gamba nga "Facebook", WhatsApp, n'emirala, ebiviirako okutabulwa tabulwa kw'obulamu bw'abasomesa wamu n'obwabayizi. Wabula okusinziira kundowooza y'omunoonyereza, agamba nti; abasomesa b'olulimi Oluganda basanye okw'eyambisa emikutu gya yintanenti (internet) okusobola okuleetawo obumu. Kino kiba kijja kuyamba okumalawo obuzibu bw'enkolagana ey'enjawulo wakati w'abasomesa wamu n'abayizi baabwe bebasomesa.

Abasomesa bonna abaabuuzibwa mukunoonyereza kuno, baayogera kukizibu ky'obutawa lulimi Luganda budde bumala nti ye nsonga lwaki ebiseera ebisinga abasomesa bano nabo batwalibwa nga abatalina mugaso. Okusinziira kundowooza y'omunoonyereza, agamba nti, ensonga y'okuwa olulimi Oluganda obudde obutono erina okussibwa ku bakulu b'amasomero kubanga be bagerera bamasomo ag'enjawulo obudde. Kale nno Abakulu baamasomero basanye bawe obudde obumala essomo ly'olulimi Oluganda kisobole okwagazisa abasomesa n'abayizi essomo ly'olulimi Oluganda ate n'okuziyiza abasomesa baamasomo amalala okuvvoola bannaabwe nti tebalina mugaso.

Omunoonyereza era alowooza nti, okusobola okuwuliriza abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda okubamanyisa nti nabo baamugaso, ekitongole ekitegeka eby'enjigiriza kisaanye kifuule essomo, ly'olulimi Oluganda ery'obuwaze eri abayizi bonna abasobola okukola olulimi Oluganda ng abwe kiri ku masomo amalala. Mu ngeri yeemu, omunoonyereza agamba nti; ekitongole kino kisaanye kiteeke Oluganda mu "curriculum" eneegobererwa mu kusomesa nga bwe guli ku masomo amalala.

Omunoonyereza era alowooza nti; bwewabeerawo enkolagana ennungi wakati w'abasomesa b'olulimi Oluganda n'abasomesa baamasomo amalala, kiba kisobola okumalawo obukuubagano obwo obuviirako abasomesa okuvvoola basomesa bannaabwe.

Endowooza eno ekwataganira ddala n'eya Kirwana (2004), bw'agamba nti, "bwe tuba twagala okuleetawo obumu n'enkolagana ennuŋŋamu wakati w'abasomesa b'olulimi Oluganda

n'abasomesa b'ennimi oba ab'amasomo abalala, tusaanye okulaga nti buli muntu wamugaso mw'ekyo ky'akola oba ky'asomesa."

Mu kunoonyereza kuno, abayizi abakola Oluganda bonna nabo baakwetabamu bulungi era nga baali basisinkanyeeko/ baali bafunyeeko okusoomooozebwa kw'okuvvoolwa bayizi bannaabwe olw'okusoma olulimi Oluganda.
Okusinziira ku ndowooza y'omunoonyereza, yakiraba nga abayizi bonna abafuna okusoomoozebwa kw'okuvvoolwa olw'okusoma olulimi Oluganda, balina obuvumu wamu n'enkizo ezisobala okuvunuka wamu n'okuyita obulungi mu kusoomoozebwa kwo.

Abayizi era baagamba nti; okuteekawo enkola ennuŋŋamu eziyinza okuyamba okutabaganya abayizi wamu n'okuleetawo emirembe kisobola okuyamba abayizi bano okwaŋanga obuzibu bw'okuvvoolwa era kibasobozese okutabagana obulungi ne bayizi bannaabwe abasoma amasomo amalala. Ensonga eno, ne Nsimbi (2009), aginogaanya bulungi bwagamba nti, "abayizi okutabagana ne bannaabwe kibayamba okuleetawo obumu n'okukomya obusososze ekiviirako okumalawo obutawaŋŋana kitiibwa."

Abayizi abasinga obungi baaganba nti, bafuna obuzibu bw'okumalibwamu amaanyi bayizi bannaabwe olw'okusoma olulimi Oluganda. Wabula okusinziira kundowooza y'omunoonyereza, agamba nti; olumu ssibuli aba akugambye ku nsobi yo nti aba okuvvoola wabula aba akuwabula okusinziira kungeri gyaba akifunyeemu.
Omunoonyereza era alowooza nti, abayizi eky'obutawebwa budde bumala baleme kukilowooza nti baba babavvoola, kuba waliwo n'amasomo amalala agawebwa obudde obutono nga ery'olulimi Oluganda.

Mukunoonyereza okwakolebwa kyazuulibwa nti, abayizi b'olulimi Oluganda bbo bennyini tebeewa kitiibwa wamu n'abasomesa baabwe abamu, nga kino nakyo kimu ku bibavviirako okuvvoolwa bannaabwe.
Kino n'olw'ekyo kibalemesa okuba obumu nabo ne batandika okweyawulayawulamu obubinja binja. Kino kifaananira ddala nab'ekitongole kya "Human Rights Commisssion" (HRC 2018),

bwe bagamba nti, omuntu bw'aba teyewa kitiibwa ku mulimu gwe n'emunkolagana ye n'abantu abalala, kale kibeera kizibu omuntu oyo okussibwamu ekitiibwa omuntu oba abantu abalala."

Okunoonyereza era kwazuula nti yadde abasomesa wamu n'abayizi bamasomo amalala, bavvoola abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda, naye bamanyi bulungi nnyo egimu ku migaso egiri mu kussa mu bantu ekitiibwa ne wankubadde nga basoma ennimi oba amasomo ag'enjawulo. Ky'azuulibwa nti abayizi singa baba bewadde ekitiibwa era ne beeyisa bulungi eri bayizi bannaabwe, baba basobola okussibwamu ekitiibwa naddala bayizi bannaabwe abasoma amasomo amalala.
Okusinziira ku ndowooza y'omunyooreza, agamba nti, omuntu aba akolagana obulungi ne bantu banne, aba n'enkizo y'amaanyi okwagazisa abalala okusoma n'okusomesa olulimi Oluganda.

Abasomesa wamu n'abayizi baakinoganya bulungi nti; omuntu bassibwamu ekitiibwa aba asobola okw'enyumiriza mu mulimu gwe oba mu ssomolye ly'aba asoma. Kino aba asobola okukkikola nga yeyogerako tatya era ng'awaayo bulungi endowooza ye ku nsonga yonna eba eriwo muddiiro. Mungeri yeemu, omuyizi oyo aba asobola n'okuleetawo obumu mu bayizi banne ate n'emu bantu bonna okutwaliza awamu.

Okusinziira kundowooza y'omunoonyereza, agamba nti; abasomesa n'abayizi baba basobola okukolaganira awamu ne beerwanako olwo ne basobola okwaŋŋanga ebizibu ebivviirako okuvvoolwa n'abasomesa wamu n'ebayizi bannaabwe abasomesa n'abasoma amasomo amalala.

5.2 OKUWEERERA.

Mumasomero agalondebwamu gonna, abasomesa n'abayizi abasinga obungi baalaga nti, okubassaamu ekitiibwa kulina kinene nnyo kye kukola mu kukulaakulanya olulimi Oluganda wamu n'omuntu ssekinoomu mu nsi.

Okusinziira ku by'azuulibwa, ky'andibadde kirungi nnyo okuwaŋŋana ekitiibwa. Kibeera kimu ku bintu ebikulu ebikkaatiriza abayizi abakola olulimi Oluganda nga babakuutira era nga babalaga ebirungi ebiri mu kuwaŋŋana ekitiibwa.

Mungeri yeemu, ky'andibadde kirungi nnyo abayizi abasoma olulimi Oluganda nga bali mu bubondo obutonotono oba mu kibiina omuli abayizi abatono, kino kibasobozese okutegeera obulungi obukulu bw'abumu n'okuwaŋŋana ekitiibwa eri buli muyizi nga ssekinoomu.

Omunoonyereza yagenda mu maaso okusobola okuzuula empenda eziyinza okweyambisibwa abasomesa wamu n'abayizi okusobola okumalawo obuzibu bwe basanga olw'okuvvoolwa. Ky'azuulibwa nti abasomesa abasomesa basaanye beetabe mumisomo egy'enjawulo gibabangule kungeri y'okweyisaamu ate n'okukwatamu ensonga eyo nga tebalumizza balala.
Mungeri yeemu, ky'azuulibwa nti; abayizi nabo basanye beetabe mu misomo ne bayizi baannaabwe abasoma amasomo amalala basobole okubangulwa era n'okufuna obukugu obumala okusobola okumanya enneeyisa ez'omubantu ennuŋŋamu kibasobozese okuvvunuka okusoomoozebwa kw'okuvvoolwa kwe bafuna.

Okunoonyereza era kwazuula nti, abasomesa b'olulimi Oluganda n'addala abo abayita mu kusoomoozebwa kwo okuvvoolwa, basaanidde okuba abayiya ennyo okusobola okufuna ebikozesebwa ebimala nga basomesa abayizi olulimi Oluganda. Kino kirityo kubanga abasomesa n'abayizi abaali tabalina bikozesebwa nga kimu ku bye balowooza nti emu kungeri gye bavvoolwamu.

Ky'azuulibwa nti abasomesa n'abayizi basanye bakwatagane bulungi ne basomesa bannaabwe abalala, era enkolagana eno bagye yambise mu nkola ennuŋŋamu. Kino kijja kuba kisobozesa abayizi okufuna amagezi okuva mu basomesa baabwe olwo basobole okuleetawo obumu n'okukomya okuyisiŋŋannyaamu amaaso.

Ky'azuulibwa nti; abayizi abasinga okukosebwa okuvvoolwa basaanye bafune okulyoyebwa wamu b'okuzibwamu amaanyi abasomesa baabwe olwo kino kibawe obuvumu wamu n'amaanyi agabasobozesa okw'aŋŋanga embeera ey'okuvvoolwa. Kino kirikityo kubanga abasomesa abasinga tebeefirayo kuzaamu bayizi baabwe maanyi wamu n'okubagumya kibasobozese okumanyiira okusoomoozebwa okw'okuvvoolwa abayizi ab'enjawulo olwo basobole n'okuyita obulungi ebibuuzo by'abwe eby'akamalirizo.

Omunoonyereza era ya kizuula nga enkola ey'okufuula empisa y'okuvvoola abantu gube musango gwa nnaggomola nga kino kisobolera ddala okuzuukusa abasomesa n'abayizi okwewala ekikolwa ekyo kubanga abasomesa abo naddala abamasomo amalala bawabya abayizi nga babasigamu empisa embi ez'obutawa bannaabwe kitiibwa mbu kuba nti ssi ky'abuwaze. Kino singa ekitongole ekikwasaganya eddembe ly'obuntu ki kitunulamu ne kifuula okuwaŋŋana ekitiibwa okw'obuwaze, abasomesa baba basobola bulungi nnyo okufuna obukodyo bwonna abayizi basobole obutayisa oba obutavvoola bayizi bannaabwe.

5.3 EBYASEMBEBWA

Okusinziira ku kunoonyereza kuno, bino wammanga byebyasembebwa;

Abasomesa wamu n'abakulu b'amasomero bafeeyo nnyo okwgazisa abayizi olulimi Oluganda nga bayita mukubagulira ebikozesebwa mu lulimi Oluganda nga n'okubawa oba okubassaamu ekitiibwa mw'okutwalidde, anti omuyizi aba asobola okussa munkola ebyo byaba agambiddwa gamba nga obutanyoomoola bayizi banne olw'okusoma essomo erimu.

Abazadde b'abayizi okw'enyigira ennyo mu kusomesa abaana baabwe empisa wamu n'okubabuulirira okuwa abantu abakulu ekitiibwa wamu ne bayizi bannaabwe. Mungeri yeemu, abazadde bano basaanye n'okuwa abaana baabwe (abayizi) ensimbi ez'okwetaba mumisomo egy'enjawulo egitegekebwa okusobola okubabangula mu ngeri ze balina okw'eyisaamu ate n'okuyisaamu abantu abalala.

Abayizi nabo bafeeyo okwettanira okw'efaako mundabika yaabwe nu nneeyisa newankubadde basoma lulimi Luganda basobole okulabika obulungi n'okwegombebwa bayizi bannaabwe abasoma amasomo amalala anti "***endabikayo ky'ekitiibwa kyo.***" Kino basanye bakikole nga bafaayo nnyo obutalumya ate bayizi bannaabwe balala olwo basobole okukwatagana obulungi awatali kuvvoolwa.

5.4 EBYETAAGA OKUNOONYEREZAAKO.

Abanoonyereza abagya bandisaanye okunoonyereza ku bintu bino wammanga;

Basaana okwongera okunoonyereza ku mutwe guno kubanga bwetwekenneenya ekitundu okunoonyereza kuno mwe kwakolebwa, kitono ddala okusinziira kubugazi bw'ekitundu olulimi Oluganda mwe lusomesebwa mu Uganda.
N'olw'ekyo okusobola okuzuula ebirowoozo by'abasomesa wamu n'ebya bayizi abirala, basaanye banoonyereze ku mutwe guno mubitundu ebirala.

Abanoonyereza abajja basanye okunoonyereza ku ngeri endala abayizi wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda ze basobola okuyitamu okusobola okuwona/ okwewala okuvvoolebwa mu masomero aga ssiniya mu Uganda.

Basaanye okunoonyereza ku kifo ky'ekitongole ky'eddembe ly'obuntu ku ngeri gyekiyinza okuyambamu abasomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda abavvoolebwa. Basaanye okwongera okuzuula obunafu bw'abasomesa n'abayizi abasoma olulimi Oluganda mu masomero ga ssiniya gonna mu Uganda obuyinza okuba nga bw'ebubavviirako okuvvoolwa basomesa wamu n'ebayizi bannaabwe abalala.

Basaanye okwongera okuzuula obunafu bw'abasomesa n'abayizi abasoma era n'abasomesa olulimi Oluganda mu masomero ga siniya gonna mu Uganda obuyinza okubanga bwe bubavviirako okuvvoolwa basomesa wamu ne bayizi bannaabwe abalala.

5.5 OKUFUNDIKIRA.

Olulimi Oluganda lwa bbeeyi, lwa kitiibwa, lwa kkuumwa, kya bugagga, ye ffeeza, ky'abuseere, ye zzaabu, lukumanyisa gy'ova, tulusomese abajja, tulukuume lukugirwe, bwe lunaakula olw'affe, bwe lutaafume olw'affe, bwe lutaazike olw'affe, abaliwo n'abaliddawo bajja kulufunamu nnyo kubanga ky'attunzi.

Okunoonyereza kuno kw'agenderera okw'ekkenneenya ensonga eziviirako abayizi wamu n'abasomesa b'olulimi Oluganda okuvvoolwa mumasomero aga ssiniya ku maddaala gombi.

Waky'aliwo obuzibu obutonotono obuviirako abasomesa wamu n'abayizi abasomesa n'okusoma olulimi Oluganda okuvvoolwa mu masomero ga ssiniya. Obuzibu obwo bujjawo olw'obusonga obutono ennyo obusobola okugonjoolwa abakwatibwako.

N'olw'ekyo, nkubiriza abasomesa okuba abayiya ennyo okusobola okuyamba abayizi okuyita mukuvvoolwa era nga tebakusangamu buzibu bwonna. Mungeri yeemu, nkubiriza abayizi bbo bennyini bafeeyo nnyo kundabika, enneeyisa wamu n'enkolagana yaabwe n'abasomesa baabwe wamu n'ebayizi bannaabwe abalala bonna. Kubanga abasomye olulimi Oluganda bakyaali batono nnyo nga ate tulina okulukulaakulanya nga tuyita mu kw'eyisa obulungi.

EBIJULIDDWA.

Barbara M, (1987) Language Communication and Education, Oxford University Ppress, NewYork.

Bishop G. (1986) Innovation in Education Mackmillan education limited' London and Basingtone.

Chiwa A. (1996), Things Fall Apart, Cambridge University Press, London.

Joseph F. (1988), Teaching in Middle and Secondary School, Mackmillan Publishing Company, London.

Kitrwana S. (2006) Litulica w'oluganda Omusunsule, Millenium Publishers Limited, Kampala Uganda.

Human Rights Commission (2003) The Human Rights, Fountain Publishers limited, Kampala Uganda.

Kyagaba D. (1999), Ggulama w'Oluganda Omusengejje, MK Publishers limited, Kampala Uganda.

LTA (2003), Olulimi Oluganda lye Ggwanga. LCB Limited, Kampala Uganda.

Mayiga C. P. (2009), Empiso y'Empisa Fountain Publishers Limited Kampala Uganda.

Ntambi M. B. (2005), Omusomo Gw'oluganda, School of Education Makerere University, Kampala Uganda.

Nsimbi M. B. (1978), Bwalibutamanya, Fountain Publishers limited, Kampala Uganda.

Poole, (1997), Introduction to Lingiustics.

Shakespear (1997), Romeo and Juliet, International Thomas Publishing.

Stern H. (1996), Fundamental Concepts of Language Teaching, University Press, Oxford, NewYork.

Katamba J. (1999), English Word, London Rutlegde.

AKAWAYIRO 1

EBIBUUZO EBY'OKUDDIBWAMU ABASOMESA B'OLULIMI OLUGANDA.

Ebibuuzo bino bigenderera okuzuula emigaso egiri mukussa ekitiibwa mu basomesa wamu n'abayizi b'olulimi Oluganda, obuzibu bwe bafuna olw'okuvvoolwa wamu n'amagezi agayinza okusalibwa okumalawo obuzibu obwo.

Ssebo/ Nnyabo, n'obuwombeefu osabibwa okudda mu ebibuuzo n'obwesimbu era nga ebinaavaamu bigenda kukuumibwa nga bya kyama.

Erinnya ly'essomo.....

Ebibuuzo bino ebisooka, laga ekisingako obutuufu nga okozesa akabonero akagolozi ☑.

1. Olina obumanyirivu bwa myaka emeka?

1-3 ☐ 3-5 ☐ 5 5 ☐

2. Olina buyigirize ki?

Satifikeeti ☐ Dipulooma ☐

Ddiguli ☐ Mansitaazi ☐

3. Wali ovvooleddwaako?

Yee ☐ Nedda ☐

4. Olowwooza waliwo emigaso gyonna mu kussa ekittibwa mu basomesa n'abayizi b'olulimi Oluganda?

Yee ☐ Nedda ☐

b) Bwe kiba yee oba nedda, lwaki?

.....

.....

5. Olina obuzibu bw'osanga mu kuvvoolwa?

Yee ☐ Nedda ☐

a). Bwekiba yee oba nedda, olowooza lw'aki?

.....

.....

.....

6. Olowooza waliwo amagezi agayinza okusalibwa okusobola okumalawo obuzibu obwo?

Yee ☐ Nedda ☐

a). Bwekiba Yee oba Nedda, olowooza lwaki?

.....

.....

.....

"weebale nnyo obuwagizi bwo mu kukulaakulanya olulimi Oluganda mu masomero"

"olulimi ly'eggwanga."

AKAWAYIRO 2

EBIBUUZO EBY'OKUDDIBWAMU ABAYIZI B'OLULIMI OLUGANDA MU MASOMERO

Ebibuuzo bino bigenderera okuzuula emigaso egiri mu kuwa ekitiibwa abayizi b'olulimi Oluganda, obuzibu obusangibwa mu kuvvoolwa wamu n'amagezi agayinza okusalibwa okumalawo obuzibu obwo.

N'obuwombeefu bungi, osabibwa okuddamu ebibuuzo byonna, awatali kutya kwonna era ebinaazuulibwa bugenda kukozesebwa nga bya kyama.

Erinnya Ly'essomero.....

Ekibiina Ky'omuyizi.....

1. Osoma olulimi Oluganda?

Yee ☐ Nedda ☐

2. Wali ovvooleddwaako?

Yee ☐ Nedda ☐

3. Waliwo emigaso gyonna gy'ofuna mu kussibwamu ekitiibwa?

Yee ☐ Nedda ☐

a). Bwe kiba Yee ona Nedda, olowooza lw'aki?

.....

.....

4. Okuvvoolwa okusangamu obu zibu bwonna?

Yee ☐ Nedda ☐

a). Bwekiba Yee oba Nedda olowooza lwaki?

.....

.....

.....

.....

.....

"weebale nnyo kujjumbira lulimi Luganda n'okulukulaakulanya"

"olulimi ly'eggwanga"